# Gavumenti yaakwongera ssente mu bulimi n'obulunzi

Bya HERBERT MUSOKE

GAVUMENTI egenda kwongera ku ssente z'essa mu bulimi n'obulunzi mu kaweefube w'okuggya abantu mu bwavu.

Minisita w'obulimi, Fred Bwino Kyakulaga bwe yabadde aggulawo omwoleso gwa Harvest Money Expo ku Lwomukaaga yagambye nti, mu manifesto ya Pulezidenti Museveni kw'agenda okutambuliza ekisanja kino bagenda kussa essira ku bulimi n'obulunzi nga babyongeramu ssente.

Omwoleso gwa Harvest Money gutegekebwa kkampuni ya Vision Group etwala ne Bukedde ng'eri wamu n'Ekitebe kya Budaaki mu Uganda nga gussiddwaamu ssente kkampuni ya Tunga Nutrition, Engineering Solutions (ENGSOL), Pearl Bank, Uganda Development Corporation, aBi Development, minisitule y'obulimi, obulunzi n'obuvubi, Pepsi Cola ne Heifer International.

Omwoleso gw'omwaka guno gwatandise ku Lwokutaano nga February 27 okutuuka ku Ssande nga March 1, 2026 ku kisaawe e Kololo era abalimi n'abalunzi baagwetabyemu mu bungi.

"Gavumenti erina enteekateeka y'okwongera ssente ezissibwa mu minisitule y'obulimi, obulunzi n'obuvubi kuba obulimi n'obulunzi gwe mulimu ogusinga okuyimirizaawo Bannayuganda era twagala gwongere okufuulibwa bizinensi ekola amagoba okukyusa obulamu bwa Bannayuganda," Kyakulaga bw'agamba.

Annyonnyola nti, ssente ezisinga zigenda kussibwa mu kussaawo enteeka n'enkola z'okulambika enkwata n'enzirukanya y'obulimi n'obulunzi nga muno mulimu okukola ku bisoomooza abalimi n'abalunzi omuli omutindo gw'ebikozesebwa mu bulimi n'obulunzi n'ekigendererwa ky'okulwanyisa ebicupuli mu ddagala, ebigimusa n'ebirala.

Yasiimye Vision Group olw'omwoleso gwa Harvest Money n'abagussaamu ssente n'agamba nti, gutambulira mu nteekateeka ya Gavumenti kuba guyamba okukyusa endowooza za Bannayuganda okuva ku kulima okufuna emmere y'awaka okutandika okulima kwa ssente.

Yayongeddeko nti, ssinga buli mwaka abantu 20,000 be babadde bayingira mu mwoleso guno, kitegeeza nti, abantu 200,000 be baakaguganyulwamu mu myaka 10 gye gwakategekebwa ate nga bano bagabana ne bannaabwe bye bayize olwo okusoomooza kw'okunoonya amagezi ne kubeera nga kugonjoddwa.

Omukolo gw'okutongoza omwoleso guno gwabaddeko ababaka b'amawanga 12 nga bakulembeddwaamu Frederieke Quispel omubaka wa Budaaki mu Uganda, Signe Albjerg Winding owa Budeeni, Virginie Leroy owa Bufalansa, John Shama Shaga owa Tanzania, Kasiga Mosoane ne Ronny Kubjene aba South Afrika ne Upender Singh Rawat owa Buyindi.

Abalala kwabaddeko; Robel Admassu Ashangre owa Ethiopia, Mohammed Ahmed owa Eritrea, Poul Kisesa Simuli owa Tanzania, Giulio Michele Girardelli owa Italy, Ibrahim Ahmed Sultan owa Libya ne Ahmed Muhammed Abdulrahiman Abdulla Al-Zweidi owa Qatar.

Quispel yakubirizza babaka bannaabwe okwegatta ku nteekateeka za Vision Group eziruubirira okuyamba n'okukulaakulanya abantu ba wansi n'eggwanga okutwaliza awamu ate nga n'amawanga gaabwe galina bingi bye gasobola okufunamu.

"Uganda ekyalina emikisa mingi mu buli kimu kuba waliwo bingi ebitannakwatibwako gamba nga, okusuubulagana, bizinensi ezisobola okugonjoola ebisoomooza Bannayunda mu bulimi n'obulunzi n'emmere, eddagala, ensigo, okwongera omutindo, obutale n'ebirala.

Ono agamba nti, Uganda erina obusobozi okufuuka eggwanga erisinga okuyingiza okuva mu bulimi n'obulunzi ssinga buli kimu kikolebwa nga bwe kiteekeddwa n'okukuuma omutindo okusinziira ku butale obugenda okutundibwamu.

Akubirizza abalimi n'abalunzi mu Uganda okwettanira obwegassi n'agamba nti, lino ly'ekkubo erikyasinga okuyamba Abadaaki okukwata ekyokubiri mu mawanga agasinga okulima n'okulunda mu nsi.

Dr. Damulira Ssengozi Ssentebe w'olukiiko olukulembera Vision Group yasiimye abassa ssente mu mwoleso guno n'agamba nti, Vision Group etegeka omwoleso guno okussa ettoffaali ku nkulaakulana y'eggwanga.

"Kimanyiddwa nti, Bannayuganda abasoba mu 65 ku buli 100 bayimiriddewo ku bulimi na bulunzi ate nga 70 ku buli 100 babeera mu byalo," Dr. Ddamulira bw'agamba.

Agamba nti, mu nteekateeka ya Gavumenti eya PDM egenderera okuggya abantu mu bwavu, amaanyi gassiddwa mu kulaba nga Bannayuganda bava ku kulima kw'okufuna emmere wabula batandike okulima okufuna ssente nga ffamire.

Akulira Vision Group, Don Wanyama yategeezezza nti, ekirowoozo ky'omwoleso kyava ku kubeera ng'abantu bangi obulimi n'obulunzi baali tebabutwala ng'omulimu oguvaamu ssente, Vision Group n'eraba nga waliwo obwetaavu bw'okukyusa endowooza n'enneeyisa ya Bannayuganda, okulima bakufuule omulimu oguvaamu ssente.

Yeebazizza omubaka wa Budaaki mu Uganda, Quispel ne Gavumenti okussa ssente mu nteekateeka z'okuwagira obulimi n'obulunzi ate n'okuleeta kuno abakugu abasomesa abalimi n'abalunzi kw'ossa okusikiriza bamusigansimbi Abadaaki okuleeta kuno ssente nga bazimba ebyuma ebifulumya ebintu okuva mu bulimi n'obulunzi.

Agamba nti, omwoleso gwa Harvest Money gwava mu nteekateeka y'empaka z'Omulimi Asinga ezissibwamu ssente ekitebe kya Budaaki.

Ku lwa Vision Group, yeebazizza H.E Quispel okuyita ababaka b'amawanga amalala okwetaba mu mwoleso guno ekiraga nti, kati gwa nsi yonna.

Yasiimye abassa ssente mu mwoleso guno ababaddewo emyaka kkumi be ddu okuli; Ekitebe kya Budaaki mu Uganda, Tunga/Champrisa International, MAAIF, ENGSOL, Pepsi Cola.

Yeebazizza n'aboolesa ababadde mu mwoleso emyaka 10 miramba okuli; Champrisa International, dfcu bank, Koudjis BV, Prof BioResearch, Bukoola Chemicals, Osho Chemicals, Convesiona Feeds, NASECO, SIMLA Seeds, Biogas Solutions, Dr. Emma Naluyima, Dura Motors, Stunch machinary, China North machine Co, China Huagapai Food machinery, MAS Corporation, Grainpulse, Tulima solar, K-Roma/Bella wine, Adritex, Biyinzika Poultry Feeds, Avis Foundation ne Uganda prison Services.



Okuva ku kkono, Don wannyama akulira Vision Group, Dr. Damulira Ssengozi Ssentebe w'olukiiko olukulembera Vision group, Omubaka wa Budaaki mu Uganda, Frederieke Quispel, Minisita w'obulimi mu minisitule y'obulimi, obulunzi n'obuvubi, Fred Bwino Kyakulaga, n'abakungu abalala nga batongoza omwoleso gwa Harvest Money ku Lwomukaaga.

**Bbeeyi y'ebirime nga bwe yabadde mu Kampala ku nkomerero ya wiiki nga Feruary 27, 2026**

| EKIRIME | EKIPIMO | EBBEEYI |
|---|---|---|
| Kasooli (Ug / Tz) | Kkiro | 1,170/- ne waggulu |
| Obuwunga | Kkiro 50 | 100,000/- ne waggulu |
| Akawunga | Kkiro | 2,500/- ne waggulu |
| Obutungulu | Kkiro | 4,000/- ne waggulu |
| Ebijanjaalo ebikalu | Kkiro | 3,500/- ne waggulu |
| Caccu | Kkiro | 650/- ne waggulu |
| Emmwaanyi | | |
| -Robusta Kiboko | Kkiro | 6,200/- ne waggulu |
| -Robusta Kase | Kkiro | 12,300/- ne waggulu |
| Obutunda obunene (Mawokota) | Ensawo | 180,000/- ne waggulu |
| Obutunda obunene (MSK) | Ensawo | 230,000/- ne waggulu |
| Nayirooni | Kkiro | 2,700/- ne waggulu |
| Obummonde (KY/TZ) | Akakutiya | 110,000/- ne waggulu |
| Kaloti (Kenya) | Ensawo | 150,000/- ne waggulu |
| Amatooke | Enkota | 30,000/- ne waggulu |
| Entangawuzi | Kkiro | 2,500/- ne waggulu |

**Bbeeyi y'ebirundibwa nga bwe yabadde mu Kampala ku nkomerero ya wiiki nga February 27, 2026**

| EKIRUNDIBWA | EKIPIMO | EBBEEYI |
|---|---|---|
| Amata amapime | Liita | 2,000/- ne waggulu |
| Amata ga payinti | Liita | 3,000/- ne waggulu |
| Omuzigo gw'ente | Kkiro | 25,000/- ne waggulu |
| Ennyama y'ente | Kkiro | 18,000/- ne waggulu |
| Ebyenda by'ente | Kkiro | 10,000/- ne waggulu |
| Ekibumba ky'ente | Kkiro | 22,000/- ne waggulu |
| Amagi g'enkoko. | Ttule | 12,000/- ne waggulu |
| Enkoko ezitakyabiika | Emu | 20,000/- ne waggulu |
| Ensigo y'ente | Emu | 5,000/- ne waggulu |
| Ennyama y'embizzi | Kkiro | 15,000/- ne waggulu |
| Ekirenge ky'embizzi | Ppeya | 10,000/- ne waggulu |
| Ennyama y'embuzi | Kkiro | 22,000/- ne waggulu |
| Ennyama y'ente ey'omutwe | Kkiro | 12,000/- ne waggulu |
| Enkoko eŋŋanda | Enkazi | 30,000/- ne waggulu |
| Ebyenda by'embuzi | Kkiro | 8,000/- ne waggulu |
| Enkoko empime | Kkiro | 15,000/- ne waggulu |